VIDEO ZA BAYIMBI BAFFE OKUVA EKA

Posted by omumbejja - 2007/09/03 03:29

---

kati buli omu alina omukisa okulaba abayimbi baffe bwebakulakulanye, kyenkana buli afulumya oluyimba alussa muvideo, naye bannage buli omu kummwe ajja kuba ngalina gyasanga ngali alittle bit weired, katugeze kuyomuyimbi gwenfilako Chagga eyo luyimba olwa kiba kibi okulekawo munno obwoomu, lwaaki ddala yalondayo owolubuto olwayiika? nabeere agasowottose okutandika otweyambulira, era yagasala natera adduka neyekukuma mukasiko kuba yali yetaaga kaleega akagakwatila kukifuba obulungi muyiteeko ku utube mukubemu chagga mulabe kyengamba but Chagaga olina engeri gyosengeka obugambo bwo obwo

==========

Re:VIDEO ZA BAYIMBI BAFFE OKUVA EKA

Posted by omumbejja - 2007/09/03 05:36

---

ntegeeza mabeere gasowottose

==========

Re:VIDEO ZA BAYIMBI BAFFE OKUVA EKA

Posted by omuana - 2007/09/03 09:22

Kituufu.....

kati oluyimba lwetaaga nyo video okusobola okulumanyisa abantu ela ne Mesach Semakula yagamba ku WBS "weekender" nti oluyimba lwe olwa "Ndeka nkole byenjagala" telwandikoze bulungi kubanga radio zaali tezilukubye kyimala naye video yalwagazisa abantu, naye ate kunsonga ya Video ya Chagga (KIBAKIBI)....i think it was manipulated, sisubila nti video eyo chagga yeyagikola. waliwo omuntu anyumilwa oluyimba olwo nga yagatta obufananyi fananyi nakolamu video. When u consider the fact that mulimu abazinyi aba Congo abampi ne ba Actors ba Nollywood..then ne mubeelamu performance ya chagga alongside Chameleon it all shows that film bagatta ngatte..ate nali nkilabyeko ku video za Maddox (Namagembe, Nakatudde) naye ate nga nanyini zo akakasa nti takolanga ku video yaluyimba lwe....

Kale ekyo kilaga nti enyimba ezo zilina bezakwata omubabilo nga balina access to video cut-edit-software.

God Bless u all

==========

Re:VIDEO ZA BAYIMBI BAFFE OKUVA EKA

Posted by bennita - 2007/09/03 16:44

---

kiba....

kilungi nyo omuntu bwaba asobora okukola video kuvanyuma lwa kufulumya oluyimba, naye olusi abayimba baba tebanaba kwetegeka kukola video nga abamu bajigassegase, okugeza nga nabikowa ne beera nange,

Naye ekyo kiba kibi nyo.....

==========

Re:VIDEO ZA BAYIMBI BAFFE OKUVA EKA

Posted by Phad - 2007/09/03 21:53

Kituufu nyo...

Indeed abawagizi bagenda nebakola Video ezo, with good intentions olw'okuba baba balina liking z'enyimba ezimu,naye ate on the other hand,tukimanyi nti waliwo ne banaffe ba kayungirizi,nga bebo abagula Film Editing software nga banoonya QUICK BUCK,batunde rubbish oyo,ate nga tewali abakuba ku mukono!

Image kintu kikulu nnyo,and once damaged,it takes longer to repair.

Okujjako omuntu alina interest ya detail,but most will think,that was the intended product.

Olw'ensonga eyo,its always the artists,or their management to make sure such crap work isnt broadcasted.Stopping such Videos is always easy,naddala ku internet,where laws are very clear-cut.

With the new law coming into force,we wont have to see much of those anymore.

==========

Re:VIDEO ZA BAYIMBI BAFFE OKUVA EKA

Posted by omumbejja - 2007/09/03 22:13

Mwebale nnyo Omuana ne Phad kututangaaza kumbeera eno, naye kati nga bwetutegedde ebigenda mumaaso behind the closed door, musigale nga munokolayo videos ezili funny , eziyigiliza, nezisanyusa eno topic siya kuvumilira yakwewuunya naye nokusanyusibwa nze mbaleteddeyo eya Mukaabya nganyooma buli mulimu gwebamuwa nga te omukyaala naye amuli bubi eka walubuto naye ngayagala to put her foot down check it out

==========

Re:VIDEO ZA BAYIMBI BAFFE OKUVA EKA

Posted by Kalibattanya - 2007/09/04 02:22

I hate it! Mu bintu nga bino byetulabidde kubalala, tufube okusooka okuyiga obukodyo bwokubikola. Ekisinga obukulu video za kulaga bu short stories obugendera ku luyimba. Naye olwokubanga bintu bya kuwummulirako, kirungi ebifo ebirungi bikozesebwe, nabantu abayonjo. Tekyetaagisa bifaananyi byamubyaalo nnyo nobwaavu obuwunya nokuwunya. Ne mu America babulina, lwabutabulaga. Mutulage ebitatukooya nga tumaze okukoowa already!!Embuto eziyiise, namabeele agasowottose to me gali ok, kasita gabeera mategeke bulungi. Infact that's the challenge. Emirimu bongere okugitegeka obulungi.

==========

Re:VIDEO ZA BAYIMBI BAFFE OKUVA EKA

Posted by omumbejja - 2007/09/04 05:34

Nkuwagila mukino ekyokulaga obwaavu bwokka songa ate mubyaalo osangayo abalina obuntu bwaabwe naye nga bulabirire bulungi, so si buyumba bukutte mumbinabina bwokka ngojeeko nti teri yali alaze lusuku lusalire oba lubikke bulungi ssonga ono yoomu ku art gwetagala okulaga abantu abalala. naye era mulimu ensonga muvideo eno gyebamugambilako nti tasanidde kunyooma mulimu gwonna kuba oluusi oyinza okutandikira kugwawansi naye noyitamu. Kati ndeeta endala eya Walukagga Mathias eya nakoowa bizibu family.

==========

Re:VIDEO ZA BAYIMBI BAFFE OKUVA EKA

Posted by luutu26 - 2007/09/05 18:32

Nze kulwange ndowooza video zinno zisinzira mumakulu goluyimba mwebava okwata video kati oluyimba lwa matia luyima seperia mulumbe lwa sembusi toyinza gikwatira ku sheraton nenyuma kati eya willy mukabya nze ndaba era yeyo embera mweyayina ogikwatira. Ekilala okwata video ezo zetaga sente nyingi nga ate bananyini video zinno tebafunamu sente kuba ne nnyonjo agamba nti otwala cd yoluyimba lwo bwalusima nagikutera ku video ku bwerere naye takusasula kati nokwatala ku youtube ffe natulaba kabwerere

==========